

Ekitabo Ekiyitibwa Omubuulizi

Obutaliimu bw'Amagezi g'Abantu

- 1 Ebigambo by'Omubuulizi, mutabani wa Dawudi kabaka mu Yerusaalemi.
- 2 "Obutaliimu! Obutaliimu!" bw'ayogera Omubuulizi.
Byonna butaliimu.
- 3 Omuntu afuna ki mu byonna by'akola,
mu byonna ebimukooya wansi w'enjuba?
- 4 Omulembe ogumu gugenda, omulala ne gujja,
naye ensi ebeerera emirembe gyonna.
- 5 Enjuba evaayo era n'egwa,
ate n'eyanguwa okutuuka mu kifo mw'eviirayo.
- 6 Empewo ekunta ng'eraga obukiikaddyo,
ne yeetooloola okutuuka obukiikkono;
empewo yeetooloola ne yeetooloola,
n'ekomerawo ku biwaawaatiro byayo.
- 7 Emigga gyonna gikulukuta nga giraga mu nnyanja,
naye ennyanja tejjula;
ekifo emigga gye gikulukutira
era gye gyeyongera okukulukutira.
- 8 Ebintu byonna bijjudde obukoowu
omuntu bw'atasobola kutenda!
Eriiso terimatira kulaba,
wadde okutu okukoowa okuwulira.
- 9 Ekyo ekyabaawo era kye kigenda okubaawo,

n'ekyo ekikoleddwa era kye kigenda
okukolebwa;
era tewali kintu kiggya wansi w'enjuba.

¹⁰ Waali wabaddewo ekintu ekyali kigambiddwa
nti,
“Laba kino kiggya”?

Kyaliwo dda

mu mirembe egyatusooka?

¹¹ Tewali kujjukira bintu byasooka
era tewaliba kujjukira bintu ebyo ebitan-
abaawo mu ebyo ebijja oluvannyuma.

Amagezi Agatali ga Katonda Butaliimu

¹² Nze Omubuulizi nali kabaka wa Isirayiri mu Yerusaalemi. ¹³ Nagezaako n'omutima gwange okuyiga n'okwetegereza n'amagezi gange gonna mu ebyo ebikolebwa wansi w'eggulu; omulimu Katonda gwe yawa abaana b'abantu okukola, guteganya. ¹⁴ Ndabye ebintu byonna ebikolebwa wansi w'enjuba; era laba, byonna butaliimu na kugoberera mpewo.

¹⁵ Ekyo ekyakyama tekisoboka kugololebwa,
n'ekibulako tekibalibwa.

¹⁶ Nayogera munda yange nti, “Nfunye amagezi mangi agasinga ag'abo bonne abiali babadde mu Yerusaalemi, era nfunye amagezi n'okumanya kungi.” ¹⁷ Era omutima gwange ne gumanya okwawula amagezi n'eddalu, n'obutategeera. Ne ntegeera nti na kino nakyo kugoberera mpewo.

¹⁸ Kubanga mu magezi amangi mujjiramu oku-
nakuwala kungi;

amegezi gye gakoma obungi,
 n'okunakuwala gye gukoma.

2

Amasanyu Tegagasa

¹ Nayogera munda yange nti, "Jjangu kaakano ngezese okusanyuka. Weesanyuse." Naye laba, na kino kyalí butaliimu. ² Nagamba nti, "Okuseka busirusiru. Era okusanyuka kugasa ki?" ³ Nanoonyereza n'omutima gwange, bwe nnaasanyusa omubiri gwange n'omwenge, nga nkyagoberera okunoonya amagezi. Nayagala okulaba abantu kyebasaanira okukola wansi w'enjuba mu nnaku ez'obulamu bwabwe entono.

⁴ Natandikawo emirimu eg'yamaanyi: ne neezimbira amayumba ne neesimbira ennimiro ez'emizabbibu. ⁵ Ne neerimira ennimiro, ne neekolera n'ebifo ebigazi, ne nsimbamu buli ngeri ya miti eg'yebibala. ⁶ Ne neesimira ebidiba omuva amazzi ag'okufukirira ebibira by'emitি emitо. ⁷ Neefunira abaddu abasajja n'abakazi, era nalina abaddu abaazaalirwa mu nnyumba yange. Ne mbeera n'amagana g'ente n'ebisibo by'endiga okusinga bona abansooka okubeera mu Yerusaalemi. ⁸ Ne neekuŋjaanyiza ffeeza ne zaabu ebyavanga mu misolo, eg Yampebwanga bakabaka n'egyavanga mu bwakabaka bwabwe. Neefunira abayimbi abasajja n'abakazi, ne nfunu n'ebintu byonna ebisanyusa omuntu, ne neefunira n'abakazi. ⁹ Ne nfuuka mukulu ne nsukkirira bona abansooka mu

Yerusaalemi. Mu ebyo byonna nasigala siweebuuse mu magezi.

10 Na buli amaaso gange kye gaayagala okulaba sa kigamma,

omutima gwange ne ngusanyusa mu buli kimu.

Omutima gwange gwasanyukira bye nakola byonna,

era eyo y'empeera yange olw'okutegana kwange kwonna.

11 Awo bwe nalowooza byonna emikono gyange bye gyakola,

n'okutegana kwonna nga nkola,

laba, byonna bwali butaliimu na kugoberera mpewo,

tewaaali na kimu kye nagobolola wansi w'enjuba.

*Amagezi Agatali ga Katonda n'Obusirusiru
Byombi Butaliimu*

12 Awo ne nkyuka ne ndowooza ku magezi,
ne ku ddalu ne ku busirusiru,

kubanga oyo aliddirira kabaka mu bigere alibaako ki ky'akola,

okuggyako ekkyo kabaka ky'akoze?

13 Awo ne ndaba amagezi nga gasinga obusirusiru,
n'ekitangaala nga kisinga ekizikiza.

14 Omugezi amaaso ge gali mu mutwe gwe,
naye atalina magezi atambulira mu kizikiza.

Kyokka ne ntegeera

nga bombi akabi kabatuukako.

15 Ne ndyoka njogera mu mutima gwange nti,

"Ekyo ekigwa ku musirusiru nange kirintuukako.

Kale lwaki mbeera omugezi?"

Era na kino ne nkizuula
nga butaliimu.

¹⁶ Kubanga ku mugezi ne ku musirusiru tewaliwo ajjukirwa lubeerera;
mu nnaku ezirijja bombi baliba beerabirwa dda.

Okufaanana ng'omusirusiru n'omugezi naye alifa.

¹⁷ Awo ne nkyawa obulamu kubanga buli ekikolebwa wansi w'enjuba kindeetera buyinike. Byonna butaliimu na kugoberera mpewo.

¹⁸ Nakyawa okutegana kwange kwonna kwe nateganamu wansi w'enjuba, kubanga byonna ndi wakubirekera oyo alinzirira mu bigere.

¹⁹ Kale ani amanyi obanga aliba musajja mugezi oba musirusiru? Kyokka ye y'aliba mukama w'ebyo byonna bye nateganira nga nkozesza amagezi gange wansi w'enjuba; era na kino nakyo butaliimu. ²⁰ Awo ne

nterebuka olw'okutegana kwange kwonna wansi w'enjuba. ²¹ Kubanga oluusi omuntu ategana ng'akozesa amagezi ge n'okumanya awamu n'obukalabakalaba bwe, naye byonna ateekwa okubirekera oyo atabiteganiranga nako.

Na kino nakyo butaliimu na kabi keereere. ²² Omuntu afuna ki mu kutegana kwe kwonna n'okukaluubrirwa mu ebyo by'ateganamu wansi w'enjuba? ²³ Kubanga ennaku ze zonna n'okutegana kwe bijjula bulumi; era ne mu kiro

omutima gwe teguwummula; na kino nakyo butaliimu.

²⁴ Tewali kisingira muntu kulya na kunywa na kusanyukira mu ebyo by'akola. Na kino nkiraba, kiva mu mukono gwa Katonda, ²⁵ kubanga awatali ye, ani ayinza okulya oba asobola okusanyuka? ²⁶ Kubanga omuntu asanyusa Katonda, Katonda amuwa amagezi n'okumanya n'essanyu; naye omwonoonyi Katonda amuwa omulimu gw'okukunjaanyiza oyo asanyusa Katonda. Na kino nakyo butaliimu na kugoberera mpewo.

3

Buli Kintu Kirina Ekiseera Kyakyo

¹ Buli kintu kirina ekiseera kyakyo,
na buli ekikolebwa wansi w'eggulu kirina
ekiseera kyakyo.

- ² Waliwo ekiseera eky'okuzaalibwa
n'ekiseera eky'okufa;
ekiseera eky'okusimba ate n'ekiseera
eky'okukungula ebyo ebyasimbibwa;
- ³ ekiseera eky'okutta n'ekiseera
eky'okuwonya;
ekiseera eky'okumenya n'ekiseera
eky'okuzimba;
- ⁴ ekiseera eky'okukaabiramu n'ekiseera
eky'okusekeramu;
ekiseera eky'okukungubaga n'ekiseera
eky'okuzina;
- ⁵ ekiseera eky'okusaasaanyizaamu amay-
inja, n'ekiseera eky'okugakuŋjaanyizaamu;

ekiseera eky'okugwiramu mu kifuba
n'ekiseera eky'okukyewaliramu;

⁶ waliwo ekiseera eky'okunoonyezaamu
n'ekiseera eky'okulekeraawo okunoonya;
ekiseera eky'okukuumiramu ekintu
n'ekiseera eky'okukisuuiliram;

⁷ n'ekiseera eky'okuyulizaamu n'ekiseera
eky'okuddabiririzaamu;
ekiseera eky'okusirikiramu n'ekiseera
eky'okwogereramu;

⁸ waliwo ekiseera eky'okwagaliramu
n'ekiseera eky'okukyayiramu;
ekiseera eky'entalo n'ekiseera eky'eddembe.

⁹ Ddala omuntu kiki ky'afuna mu kutegana
kwe? ¹⁰ Ndabye omugugu Katonda gw'atadde
ku bantu. ¹¹ Buli kimu yakikola nga kirungi mu
kiseera kyakyo. Kyokka newaakubadde nga Ka-
tonda yateeka mu mitima gy'abantu okutegeera
obulamu obutaggwaawo, omuntu tayinza ku-
teebereza mulimu gwa Katonda gwonna, we
gutandikira oba we gukoma. ¹² Mmanyi nga
tewali kisingira bantu kusanyuka na kukola
bulungi nga balamu. ¹³ Buli muntu alyoke
alye, anywe afune okwesiima olw'ebyo ebiva
mu kutegana kwe, kubanga ekyo kirabo kya
Katonda. ¹⁴ Mmanyi nga buli Katonda ky'akola
kya lubeerera; tekyongerwako, era tewali kik-
ijibwako. Katonda yakikola bw'atyo, abantu
balyoke bamutye.

¹⁵ Ekyo ekiriwo ky'amala dda okubaawo;
n'ekyo ekinaaberawo kyabaawo dda;

era Katonda alagira ebyali bibaddewo, ne byongera okubaawo.

16 Ate era nalaba nga wansi w'enjuba, mu kifo ky'okusala amazima waliwo kusaliriza; ne mu kifo ky'obutuukirivu waliwo bwonoonyi.

17 Ne njogera munda yange nti,
“Katonda aliramula
abatuukirivu n'aboonoonyi;
kubanga yateekawo ekiseera ekya buli kimu;
era na buli mulimu.”

18 Ne ndowooza nti, “Katonda agezesha abaana b'abantu era bajjukire nti nsolo busolo.

19 Kubanga ekituuka ku baana b'abantu kye kituuka ne ku nsolo; omuntu afa, n'ensolo n'efa. Bonna bassa omukka gwe gumu; omuntu talina nkizo ku nsolo. Byonna butaliimu. **20** Bonna bagenda mu kifo kye kimu, bona bava mu nfuufu era mu nfuufu mwe badda. **21** Ani amanyi obanga omwoyo gw'omuntu gwambuka waggulu, ogw'ensolo gwo ne gukka mu ttaka?”

22 Bwe ntyo nalaba nga tewali kisinga muntu kusanyukira mulimu gwe, kubanga ekyo gwe mugabo gwe. Anti tewali asobola kumukomyawo alabe ebyo ebiribaawo oluvannyuma lwe.

4

Amaziga g'Abanyigirizibwa

1 Ate nalaba okunnyigirizibwa kwonna okukolebwa wansi w'enjuba.

Ate laba, amaziga gaabo abanyigirizibwa, era nga tebalina wakugabasangulako!

- Ababanyigiriza baalina obuyinza,
 kyokka nga tewali asobola kubagambako.
- ² Ne ndowooza ku abo abaafa,
 nga baali ba mukisa okusinga
 abo abakyali abalamu;
- ³ naye abasinga abo,
 y'oyo atannaba kuzaalibwa,
 atannalaba bibi
 obukolebwa wansi w'enjuba.
- ⁴ Awo ne ndaba ng'okutegana, n'okutuukiriza
 mu bikolebwa, kuva mu kukwatirwa obuggyga
 muliraanwa. Na kino butaliimu na kugoberera
 mpewo.
- ⁵ Omusirusiru awumba emikono gye,
 ne yeezikiriza yekka.
- ⁶ Kirungi okuba n'emirembe emijjuvu
 okusinga okujjula okubonaabona
 n'okugoberera empewo.
- ⁷ Ate era ne ndaba obutaliimu wansi w'enjuba:
- ⁸ nalaba omuntu ng'ali bwannamunigina,
 nga talina mwana wabulenzi wadde mu-
 ganda we, naye ng'ategana okukamala,
 nga tamatira na bugagga bwe,
 ne yeebuuza nti, "Nteganira ani
 ne neefiriza essanyu?"
- Kino nakyo butaliimu,
 era tekiriiko kye kigasa."
- ⁹ Ababiri basinga omu,
 kubanga bagasibwa nnyo mu kukola
 kwabwe.
- ¹⁰ Kubanga singa omu agwa,
 munne amuyimusa.

- Naye zimusenze oyo ali obw'omu,
 bw'agwa tabaako amuyimusa.
- ¹¹ Ababiri bwe bagalamira bombi awamu
 babuguma;
 naye oyo ali obw'omu, ayinza atya
 okubuguma?
- ¹² Omu awangulwa mangu,
 kyokka ababiri bayinza okwerwanako.
 Kubanga omuguwa ogw'emiyondo esatu teguku-
 tuka mangu.
- ¹³ Omuvubuka omwavu nga mugezi, akira
 kabaka amusinga emyaka nga musirusiru,
 atafaayo ku kubuulirirwa. ¹⁴ Omuvubuka
 ayinza okuba ng'avudde mu kkomera
 n'alya obwakabaka, oba okulya obwakabaka
 ng'abadde mwavu. ¹⁵ Nalaba abalamu bonne
 abatambula wansi w'enjuba nga bagoberera
 omuvubuka oyo ow'okulya obwakabaka.
¹⁶ Abantu be yafuganga baali bangi nnyo. Naye
 abo abajja oluvannyuma lwe tebaamusima. Na
 kino nakyo butaliimu na kugoberera mpewo.

5

Mutye Katonda

- ¹ Weekuumbe ng'oyingira mu nnyumba ya
 Katonda; okumusemberera n'okumuwliriza,
 kisinga okuwaayo ssaddaaka ng'ez'abasirusiru
 abatamanyi nga bakola ebibi.
- ² Toyanguyirizanga na kamwa ko okwogera
 ekigambo,
 wadde omutima gwo ogwanguyiriza,
 okwogera ekigambo mu maaso ga Katonda.

Katonda ali mu ggulu
 ng'ate ggwe oli ku nsi;
 kale ebigambo byo bibeerenga bitono.

³ Ng'okutawaana ennyo bwe kuleetera omuntu
 ebirooto,
 n'ebigambo by'omusirusiru bwe bityo bwe
 biba nga bingi.

⁴ Bwe weeyamanga obweyamo eri Katonda
 tolwanga kubutuukiriza, kubanga tasanyukira
 basirusiru. Tuukirizanga obweyamo bwo.

⁵ Obuteyama kisinga okweyama n'ototuukiriza
 kye weeyamye. ⁶ Akamwa ko kaleme ku
 kwonoonyesa, n'ogamba oyo atumiddwa
 gy'oli nti, "Nakola kisobyo okweyama." Kale
 lwaki weeretako okusunguwalirwa Katonda
 olw'ebigambo byo, n'azikiriza emirimu
 gy'emikono gyo? ⁷ Ebirooto entoko n'ebigambo
 ebingi temuli makulu; noolwekyo otyanga
 Katonda.

Obugagga ku Bwabwo Bwokka Butaliimu Bw- ereere

⁸ Bw'olabanga ng'omwavu anyigirizibwa mu
 ssaza, amazima n'obwenkanya nga tewali, te-
 weewuunyanga! Kubanga omukungu waalyo
 alinako amusinga, ate nga bombi balina aba-
 batwala. ⁹ Bonna balya ku bibala bya nsi eyo;
 kabaka yennyini mu nnimiro zaayo mw'afuna.

¹⁰ Oyo alulunkanira ensimbi, tasobola kuba na
 nsimbi zimumala;
 wadde oyo alulunkanira obugagga
 n'amagoba:
 na kino nakyo butaliimu.

11 Ebintu nga bwe byeyongera obungi,
n'ababirya gye bakoma okweyongera.
Kale nnyini byo agasibwa ki,
okuggyako okusanyusa amaaso ge?

12 Otulo tuwoomera omupakasi
ne bw'aba agabana bitono oba bingi.
Naye obugagga bw'omugagga obuyitiridde,
tebumuganya kwebaka.

Okukola n'Essanyu

13 Waliwo ekibi ekinene kye nalaba wansi
w'enjuba:

nannyini bugagga abuterekera mu kwerumya,
14 ebyembi bw'ebigwawo eby'obugagga
ebyo bibula,
kale bw'aba ne mutabani
tewabaawo mutabani we ky'asigaza.

15 Omuntu nga bwe yava mu lubuto lwa nnyina
n'ajja mu nsi nga talina kintu,
bw'atyo bw'aliddayo nga mwereere ng'ava
mu nsi.

Tewali ky'aggya mu mirimu gye,
wadde kyayinza okugenda nakyo mu
mukono gwe.

16 Na kino kya bulumi bwereere:
nga bwe yajja era bw'atyo bw'aligenda;
mugaso ki gwe yafuna mu kugoberera em-
pewo?

17 Era yamala obulamu bwe bwonna mu kizikiza
ne mu buyinike,
ne mu kweraliikirira, ne mu bulumi ne mu
kunyiiga.

18 Ne ndyoka ntegeera nti kituufu omuntu okulya n'okunywa n'okulaba nga yeyagalira mu kutakabana ne mu kukola kwe wansi w'enjuba, mu nnaku ze entono Katonda z'amuwadde, kubanga ekyo gwe mugabo gwe. **19** Ate Katonda bw'awa omuntu obugagga, n'ebintu n'amusobozesa okubyeyagaliramu, n'okutegeera omugabo gwe n'okusanyukira by'akoze, ekyo kiba kirabo ekivudde ewa Katonda. **20** Emirundi giba mitono gy'alwoolezaamu ekiseera ky'obulamu ky'amaze, kubanga Katonda ajuza omutima gw'omuntu oyo essanyu.

6

Obutaliimu bw'Obugagga n'Ettiibwatiibwa

1 Waliwo ekibi ekirala kye ndabye wansi w'enjuba era kibuutikidde abantu. **2** Katonda awa omuntu obugagga, n'amuwa ebintu ebingi awamu n'ekitiibwa, na buli mutima gwe kye gwetaaga n'akifuna; naye Katonda n'amumma okubisanyukiramu, kyokka omugwira n'ajja n'abisanyukiramu. Kino butaliimu era kya bupalagaze!

3 Omuntu ayinza okuba n'abaana kikumi, n'awangaala; bw'atasanyukira mu bugaggwa bwe, era n'ataziikwa mu kitiiibwa, ne bw'aba ng'awangadde nnyo, omwana afiira mu lubuto ng'agenda okuzaalibwa amusingira wala. **4** Omwana oyo ajja nga taliiko ky'amanyi n'agendera mu butamanya era n'erinnya lye ne libulira mu butamanya. **5** Newaakubadde

talabye njuba, wadde okubaako ky'amanya,
 kyokka awummula bulungi okusinga omusajja
 oyo: ⁶ omusajja oyo ne bw'awangaala emyaka
 enkumi bbiri, naye n'atasanyukira mu bya
 bugagga bwe. Bombi tebalaga mu kifo kye kimu?

⁷ Buli muntu ateganira mumwa gwe,
 naye tasobola kukkuta by'alina.

⁸ Kale omuntu omugezi asinga oyo omusirusiru?
 Omwavu bw'amanya okwefuga mu maaso
 g'abalala,
 agasibwa ki?

⁹ Amaaso kye galaba
 kisinga olufulube lw'ebirowoozo.

Era na kino nakyo butaliimu,
 na kugoberera mpewo.

¹⁰ Buli ekibaawo ky'ateekewateekebwa dda,
 n'omuntu kyali kyamanyibwa,
 tewali muntu ayinza kulwana n'oyo amusinza
 amaanyi,
 n'amusobola.

¹¹ Ebigambo gye bikoma obungi,
 gye bikoma n'obutabaamu makulu;
 kale ekyo kigasa kitya omuntu?

¹² Kale ani amanyi ekirungi eri omuntu, mu
 nnaku ezo entono z'amala mu bulamu bwe
 obutaliimu, obuli ng'ekisiikirize? Ani wansi
 w'enjuba ayinza okutegeeza ekirimubaako
 ng'avudde mu bulamu buno?

- 1 Obwatiikirivu bw'erinnya eddungi businga
eby'akawoowo ebirungi;
n'olunaku olw'okufa lusinga olwo
olw'okuzaalirwako.
- 2 Kirungi okulaga mu nnyumba
ey'abakungubaga
okusinga okulaga mu nnyumba
ey'ebiyassava.
- 3 Kubanga buli omu wa kufa,
ekyo kiteekwa okuba ku mutima gwa buli
muntu.
- 4 Okunakuwala kusinga okuseka,
kubanga amaaso amanakuwavu gazzaamu
omutima amaanyi.
- 5 Omutima gw'omugezi guba wamu n'abo abali
mu nnaku;
naye ogw'omusirusiru guba mu kusanyuka.
- 6 Kirungi okussaayo omwoyo ku kunenya
kw'omuntu ow'amagezi
okusinga okuwuliriza ennyimba
z'abasirusiru.
- 7 Okuseka kw'abasirusiru
kuli ng'okutulikatulika kw'amaggwa agali
mu muliro gw'entamu*;
na kino nakyo butaliimu.
- 8 Kya mazima, okunyigirizibwa kufuula
ow'amagezi okuba omusirusiru,
n'enguzi efaafaaganya okutegeera.

* **7:6** Amaggwa bwe gaba gookebwa, gatulikatulika, ne gavaamu
n'omukka, kyokka ebbugumu ly'omuliro gwago tegubugumya
bagwota mu biseera eby'obutiti.

- 8 Enkomerero y'ekintu esinga entandikwa yaakyo,
n'omugumiikiriza asinga ow'amalala.
- 9 Tosunguwalanga mangu nga waliwo akusokaa-soka,
kubanga obusungu bubeera munda y'abasirusiru.
- 10 Teweetuuzanga nti, "Lwaki ennaku ziri ez'edda zisinga zino?"
Kubanga si kya magezi okwebuuza ekibuuzzo ng'ekyo.
- 11 Amagezi kintu kirungi, okufaanana ng'eky'obugagga ky'obusika,
era kigasa abo abakyalaba enjuba.
- 12 Amagezi kiwummulo,
ng'ensimbi bwe ziri ekiwummulo,
naye enkizo y'okumanya y'eno:
amagezi gakuumma obulamu bw'oyo agalina.
- 13 Lowooza ku Katonda ky'akoze:
ani ayinza okugolola ekyo ekyakyama Katonda
kye yakola?
- 14 Ebiseera bwe biba ebirungi, sanyuka;
naye bwe biba ebibi, kirowoozeeko;
Katonda eyakola ekimu
era ye yakola ne kinnaakyo.
Noolwekyo omuntu tayinza kuzuula
kirimubaako
mu nnaku ze ez'omu maaso.
- 15 Mu bulamu bwange buno obutaliimu nd-abye bino byombi:
omutuukirivu azikiririra mu butuukirivu bwe,

- n'omukozi w'ebibi n'awangaalira mu bibi
bye.
- 16 Teweefuulanga mutuukirivu ayitiridde
wadde okwefuula ow'amagezi ow'ekitalo;
oleme okwezikiriza.
- 17 Tobanga mwonoonyi kakuzzi
wadde okuba omusirusiru;
oleme okufa ng'ekiseera kyo tekinnatuuka.
- 18 Ekyo kirungi okiyige, na kiri oleme kukibuusa
maaso,
kubanga oyo atya Katonda abyewala okubiy-
itiriza.
- 19 Ow'amagezi ne bw'aba omu mu kibuga,
aba w'amaanyi okusinga abakulembeze
ekkumi ab'omu kibuga ekyo.
- 20 Ddala ku nsi tekuli muntu mutuukirivu,
atakola bibi.
- 21 Towulirizanga buli kigambo, bantu kye
boogera,
si kulwa ng'owulira omuweereza wo
ng'akukolimira,
- 22 kubanga naawe okimanyidde ddala mu mu-
tima gwo,
ng'emirundi mingi okolimidde abalala.
- 23 Ebyo byonna nabyekenneanya n'amagezi ne
ŋŋamba nti,
"Mmaliridde okuba omugezi,"
wabula kino kyandi wala.
- 24 Amagezi ne bwe gaba ga kikula ki, gali wala
nnyo era tegalojjeka,
kale ani ayinza okugavumbula?

- 25 Bwe ntyo ne nkyusa omutima gwange
nnoonye okutegeera,
nekkanye, era nnoonyereze amagezi
ndowooze ne ku bintu nga bwe biri,
n'okutegeera obusirusiru bw'okukola ebibi:
n'eddalu ery'obusirusiru.
- 26 Ekintu kye nalaba eky'obulabe ekisinga okufa,
ye mukazi alina omutima ogusendasenda,
era ogusikiriza,
era emikono gye gisiba ng'enjegere.
Oyo ayagala Katonda, y'awona omukazi oyo,
kyokka ye omwonoonyi talema kugwa mu
mutego gwe.
- 27 Omubuulizi agamba nti, "Laba, kino kyenvumbudde:
"Okugatta ekintu ku kinnaakyo, okuzuula enkola
y'ebintu,
- 28 bwe nnali nga nkyanoonyereza
nabulako kye nzuula,
okuggyako okulaba omusajja omwesimbu omu
mu basajja lukumi,
kyokka mu bakazi bona ssaalabamu n'omu
atuukiridde.
- 29 Wabula kino kyokka kye nalaba:
Katonda yatonda omuntu nga mugolokofu,
naye abantu ne beenoonyeza ebintu ebirala
bingi."

8

Obuwulize eri Abakulembeze

- ¹ Ani afaanana omuntu omugezi
amanyi okunnyonnyola buli kintu?

Amagezi gaakaayakanyisa obwenyi bw'omuntu,
ne gakyusa emitaafu gyamu.

² Nkugamba nti gondera ekiragiro kya kabaka,
kubanga walayira* mu maaso ga Katonda.

³ Toyanguyiriza kuva mu maaso ga kabaka.
Kyokka ensonga bw'ebanga etali ntuu fu, to-
bangga ku ludda lumuwakanya, kubanga ye akola
buli ky'ayagala. ⁴ Kubanga ekigambo kya kabaka
kisukkuluma byonna; kale ani ayinza okumubu-
uza nti, "Okola ki ekyo?"

⁵ Oyo agondera ekiragiro kye talituukibwako
kabi,

omutima ogw'amagezi gulimanya ekiseera
ekisaana okukoleramu ekintu gundi,
n'engeri ey'okukolamu ekintu ekyo.

⁶ Kubanga waliwo ekiseera ekituufu n'enkola
esaana ku buli kintu,
newaakubadde ng'obuyinike bw'omuntu
bumuzitoowerera okukamala.

⁷ Nga bwe watali muntu amanyi binaabaawo,
kale ani ayinza okumutegeeza ebinajja?

⁸ Tewali muntu alina buyinza kufuga mpewo;
bwe kityo tewali n'omu alina buyinza ku
lunaku lwa kufa kwe.

Ng'omuntu bw'aweebwa ebiragiro mu biseera
eby'olatalo,
bwe kityo n'obutali butuukirivu bwe budu-
umira abo ababutambuliramu.

⁹ Ebyo byonna bye nalaba bwe nagezaako
okwekenneenya buli kintu ekikolebwa wansi

* **8:2** Ekirayiro ekyo bwe bweyamo obw'obwesigwa,
abaweereza ba kabaka bwe baakolanga eri Katonda.

w'enjuba. Waliwo ekiseera omufuzi buli lw'abinika baafuga, kyokka nga yeerumya yekka. ¹⁰ Ndabye abantu abakozi b'ebibi nga baziikibwa, abo abaawaanibwanga mu kibuga nga bazze mu kifo ekitukuvu. Na kino nakyo butaliimu.

¹¹ Omuntu bw'asalirwa omusango n'atabonererezebwawo, emitima gy'ababi gjijula kuteekateeka kukola bubi. ¹² Newaakubadde ng'omuntu omubi azza emisango kikumi, ate n'awangaala, nkimanyi ng'abatuukirivu, abo abatya Katonda bijja kubagendera bulungi. ¹³ Naye olwokubanga abakozi b'ebibi tebatya Katonda, tebiyinza kubagendera bulungi, era n'ennaku zaabwe zinaayitanga mangu ng'ekisiikirize.

¹⁴ Waliwo ekintu ekirala ekiraga obutaliimu ekiri ku nsi: abantu abatuukirivu batukibwako ebyo ebisaanira ababi, ate abatali batuukirivu ne batuukibwako ebyo ebigwanira abatuukirivu. Kino nakyo nkiyita butaliimu. ¹⁵ Bwe ntyo nteesa nti omuntu yeyagalire mu bulamu: kubanga wansi w'enjuba tewali kisinga, wabula omuntu okulya n'okunywa n'okweyagala. Kale essanyu linaamuwerekeranga mu mirimu gye, ennaku zonna ez'obulamu bwe Katonda bw'amuwadde wansi w'enjuba.

¹⁶ Bwe nanoonyereza amagezi ne neetegereza okutegana kw'omuntu ku nsi kuno, nga teyeebaka emisana n'ekiro. ¹⁷ Ne ndaba ebyo byonna Katonda by'akoze, nga tewali n'omu ayinza kutegeera Katonda by'akola wansi w'enjuba,

omuntu ne bw'agezaako ennyo okukinoony-ereza tayinza kukivumbula. Newaakubadde omuntu omugezi yeefuula nti akimanyi, tayinza kukitegeera.

9

Ekkubo Bonna lye Bakwata

¹ Awo ne ndowooza ku ebyo, ne nzuula ng'omutuukirivu n'omugezi bye bakola biri mu mukono gwa Katonda; naye tewali muntu n'omu amanyi obanga kwagalibwa oba kukyayibwa bye bimulindiridde. ² Omantuukirivu n'omwonoonyi, omulungi n'omubi, omuyonjo n'omujama, abo abawaayo ssaddaaka n'abo abatagiwaayo bona gye bagenda y'emu.

Nga bwe kiri eri omuntu omulungi,
era bwe kiri n'eri omwonoonyi;
Nga bwe kiri eri abo abalayira,
era bwe kiri n'eri abo abatya okulayira.

³ Bonna ekibalindiridde kimu; kano ke kabi akabeera wansi w'enjuba. Ate emitima gy'abantu mu bulamu buno giraluse gjijudde ebibi, bayaayaanira buli kimu; n'oluvannyuma ne bakka emagombe eri bannaabwe. ⁴ Naye omuntu omulamu aba n'essuubi, wadde embwa ennamu esinga empologoma enfu!

⁵ Kubanga buli kiramu kimanya nga kya kufa,
naye abafu tebaliiko kye bamanyi:
tebakyagasa
wadde okujukirwa.

⁶ Okwagala kwabwe, n'obukyayi bwabwe,
n'obuggyaa bwabwe nga bizikiridde;

nga tebakyetaba mu ebyo byonna
ebikolebwa wansi w'enjuba.

⁷ Genda olye emmere yo ng'osanyuka, onywe ne wayini wo nga weeyagala; kubanga Katonda asiimye ky'okola. ⁸ Yambalanga engoye ennyonjo*, era weesiigenga n'ebiyakaloosa. ⁹ Ssanyukanga ne mukyala wo gw'oyagala ennaku zo zonna, mu bulamu buno obutali-imu, Katonda bw'akuwadde wansi w'enjuba, kubanga ekyo gwe mugabo gwo mu kutegana kwo kw'oteganamu wansi w'enjuba. ¹⁰ Buli omukono gwo kye gugenda okukola, kikole n'amaanyi go gonna; kubanga teri mulimu wadde okulowooza, oba okutegeera wadde amagezi emagombe gy'olaga.

¹¹ Ate nalaba nga wansi w'enjuba,
ng'ow'embiro ennyingi si y'awangula mu mpaka,
era ne kirimaanyi si y'awangula olutalo,
ng'ate bakalimagezi bonne si be baatiikirira;
wabula ng'omukisa gukwata bukwasi oyo
aba aliwo mu kifo ekituufu ne mu kiseera
ekituufu.

¹² Kubanga omuntu tamanya kinaamubaako.
Ng'ekyenyanja bwe kikwatibwa mu muyonjo,
oba ennyonyi nga bw'egwa ku mutego,
n'abaana b'omuntu bwe batyo bwe beesanga mu
biseera eby'akabi,
ebibatuukako nga tebabyetegedde.

* ^{9:8} Okwambala engoye ennyonjo nga njeru n'okwesiiga amafuta, y'engeri Abayudaaya gye baakuumangamu ennaku zaabwe enkulu.

¹³ Era ekirala kye nalaba ekyampuniikiriza ennyo kye kino: ¹⁴ waaliwo akabuga nga kalimu abantu batono ddala, kabaka ow'amaanyi n'ajja n'akazingiza n'akazimbako ekigo ekinene. ¹⁵ Mu kabuga ako mwalimu omusajja omugezi, omwavu, ng'amanyi eky'okukola okuwonya akabuga ako, bw'atyo mu magezi ge ne kanunulwa. Naye nno ne wabulawo amujjukira. ¹⁶ Awo ne ndaba nti newaakubadde ng'amagezi gasinga amaanyi, naye ow'amagezi bw'aba omwavu, anyoomebw, ne ky'ayogera tekissibwako mwoyo.

¹⁷ Naye ne bwe kiba kityo, ebigambo eby'ekimpowooze ebiva mu kamwa k'omugezi bissibwako omwoyo, okusinga okuleekaana kw'omufuzi w'abasirusiru.

¹⁸ Amagezi gasinga ebyokulwanyisa mu lutalo, naye omwonoonyi omu azikiriza ebirungi bingi.

10

Omugezi n'Omusirusiru

¹ Nga ensowera enfu bwe zoonoona akaloosa akawunya obulungi, bwe katyo akasobyo akatono bwe koonoona amagezi n'ekitiibwa.

² Omutima gw'omuntu ow'amagezi gumukozesa ekituufu, naye ogw'omusirusiru gumutwala kukola bitasaana.

³ Ne bw'aba ng'atambula, amanyibwa nga talina magezi,

- era buli amulaba agamba nti musirusiru.
- ⁴ MUKAMA wo bw'akunyiigiranga,
tomulaganga busungu;
okuddamu n'eggonjebwa kukyusa ekiruyi.
- ⁵ Ekibi ekirala kye nalaba,
kye kikwata ku nsobi y'omufuzi:
- ⁶ nalaba ng'abasirusiru baweebwa ebifo ebisava,
naye ng'abagagga bo baweebwa ebyo ebya
wansi.
- ⁷ Ate nalaba ng'abaddu beebagala embalaasi,
songa abalangira batambuza bigere
ng'abaddu.
- ⁸ Asima ekinnya alikigwamu,
n'oyo amenya ekisenge omusota gulimubo-
jja.
- ⁹ Oyo ayasa amayinja gamulumya,
n'oyo ayasa enku zimulumya.
- ¹⁰ Embazzi bwe tebaako bwogi,
n'etewagalwa,
agitemya ateekwa okufuba ennyo,
naye obumanyirivu bwe buwangula.
- ¹¹ Omusota bwe guluma nga tegunnakola bya
bufuusa,
omufuusa talina kyafunamu.
- ¹² Ebigambo ebiva mu kamwa k'omuntu
ow'amagezi bya muwendo nnyo eri abo
ababiwulira,

naye akamwa k'omusirusiru kamusuula mu ntata.

13 Entandikwa y'ebigambo bye nga temuli nsa,
ne ku nkomerero yaabyo biba mususa.

14 Omusirusiru asavuwaza ebigambo.

Tewali amanyi birijja,
kale ani asobola okumubuulira ebiribaawo
olvannyyuma lwe?

15 Omusirusiru aterebuka mangu
olw'ekitamugendedde bulungi,
n'abulwa n'ekkubo erimutwala mu kibuga.

16 Zikusanze gw'ensi kabaka bw'aba nga yali
muddu,
nga n'abalangira bakeera kwetamiirira!

17 Olina omukisa gw'ensi kabaka wo bw'aba nga
wa lulyo lulangira,
ate nga n'abalangira bo bamanyi ekiseera
eky'okuliiramu,
olw'okufuna amaanyi so si lwa kutamiira.

18 Obugayaavu buleetera akasolya k'ennyumba
okutonnya,
n'emikono egitayagala kukola gireetera en-
nyumba okutonnya.

19 Ekijjulo kikolebwaa lwa kusanyuka,
ne wayini yeeyagaza obulamu,
naye ensimbi y'esobola byonna.

20 Tokolimira kabaka mu mutima gwo

newaakubadde okukolimira omugagga mu
 kisenge kyo,
 kubanga ennyonyi ey'omu bbanga eyinza ok-
 wetikka ebigambo byo
 nga biwandiikkidwa ku biwaawaatiro byayo
 n'ebibatuusaako.

11

Bw'ogaba Katonda Akuddizaawo

- ¹ Siganga emmere yo ng'enkuba etonnya,
 kubanga ebbanga lyayo bwe lirituuka
 olikungula.
- ² Gabiranga musanvu weewaawo munaana,
 kubanga mu biseera eby'oluvannyuma oy-
 inza okubeera mu kwetaaga.
- ³ Ebire bwe bijjula amazzi,
 bitonnyesa enkuba ku nsi;
 n'omuti bwe gugwa nga gwolekedde obukiikad-
 dyo oba obukiakkono,
 mu kifo mwe gugwa mwe gulibeera.
- ⁴ Oyo alabirira embuyaga talisiga;
 n'oyo atunuulira ebire talikungula.
- ⁵ Nga bw'otosobola kutegeera kkubo mpewo,
 oba omubiri nga bwe guzimbibwa ku
 mwana ali mu lubuto;
 bw'otyo bw'otosobola kutegeera Katonda
 Omutonzi wa byonna by'akola.
- ⁶ Ku makya siga ensigo zo,
 n'akawungeezi toddiriza mukono gwo;
 kubanga tomanyi eziryala,

zino oba ziri,
oba zombi ziriba nnungi.

- ⁷ Ekitangaala kirungi,
era okulaba ku musana kisanyusa.
⁸ Kale omuntu bw'awangaala emyaka emingi,
agisanyukirengamu gyonna,
naye ajjukirenga nti waliwo ennaku ez'ekizikiza
nnyingi ezijja.
Ebyo byonna ebijja butaliimu.

⁹ Omuvubuka sanyukiranga mu buvubuka bwo,
n'omutima gwo gusanyukenga mu nnaku
ez'obuvubuka bwo;
tambulira mu makubo g'omutima gwo
ne mu kulaba kw'amaaso go.
Naye manya nga mu byonna,

Katonda agenda kukusalira omusango.

- ¹⁰ Noolwekyo ggyawo okweraliikirira mu mu-
timi
era weggyeko emitawaana mu ggwe,
kubanga obuvubuka n'amaanyi gaabwe bu-
talimu.

12

Ennaku ze Tumala ku Nsi

- ¹ Jjukiranga omutonzi wo mu nnaku
ez'obuvubuka bwo,
ng'ennaku embi tezinnakutuukako
n'emyaka nga teginnasembera,
mw'olyogerera nti, "Sizisanyukira";
² ng'enjuba n'obutangaavu,
omwezi n'emmunyeenye nga tebinnafuuka
kizikiza;

- nga n'ebire biweddemu enkuba;
- ³ abakuumi b'enju mwe balikankanira,
 n'abasajja ab'amaanyi mwe bakutamizibwa,
 nga n'abo abasa baleseeyo okusa, kubanga
 batono,
 n'abo abalingiza mu butuli nga tebakyalaba;
- ⁴ nga n'enzigi ez'olekedde enguudo zigaddwawo,
 n'eddoboozi ly'okusa nga livumbbedde;
 ng'abasajja bagolokoka olw'eddoboozi
 ly'ennyonyi,
 naye nga ennyimba zaabwe zivumbbedde;
- ⁵ nga batya buli kiwanvu
 n'akabi akali mu nguudo,
 ng'omubira gumulisizza,
 ng'enseenene yeewalula era nga tewakyali
 alimu keetaaga kino oba kiri.
- Omuntu n'agenda mu nnyumba ye gy'alimala
 ekiseera ekiwanvu
 n'abakungubazi ne babuna enguudo.
- ⁶ Jjukira omutonzi wo ng'omuguwa gwa ffeeza
tegunnakutuka
 oba ebbakuli eya zaabu nga tennayatika,
 ng'ensuwa tennayatikira ku luzzi
 obanga ne nnamuziga tennamenyekera ku
 luzzi,
- ⁷ ng'enfuufu edda mu ttaka mwe yava,
 n'omwoyo ne gudda eri Katonda eyaguwa
 omuntu.
- ⁸ Obutaliimu! Obutaliimu! Omubuulizi
 bw'agamba,
 "Buli kintu butaliimu."

Ebikomererayo

9 Omubuulizi teyali mugezi kyokka, wabula yayigiriza n'abantu eby'amagezi. Yalowooza n'anoonyereza n'ayiiyaayo engero nnyingi.

10 Omubuulizi yanoonyereza n'afuna ebigambo ebituufu byennyini, ne bye yawandiika byali byesimbu era nga bya mazima.

11 Ebigambo by'abantu abagezi biri ng'emiwunda, engero zino ezakuŋjaanyizibwa omusumba omu ziri ng'emisumaali egyakomererwa ne ginywezebwa ennyo.
12 Mwana wange weekuumme ekintu kyonna ekyongerwako.

Okuwandiika ebitabo ebingi tekukoma, n'okuyiga okungi kukooya omubiri.

13 Kale byonna biwuliddwa;
 eno y'enkomerero yaabyo:

Tyanga Katonda okwatenga amateeka ge,
 kubanga ekkyo omuntu ky'agwanira okukola.

14 Kubanga Katonda alisala omusango olwa buli
 kikolwa;
 ekkyo ekyakwekebwa,
 nga kirungi oba nga kibi.

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at www.biblica.com and open.bible."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™
Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553